# Endwadde ez'enjawulo ezitambuzibwa amazzi mu binaabiro n'ebiyigo

Dr. Frank Kalyango, agamba nti, abantu bangi tebamanyi nkozesa ntuufu ey'ebinaabiro n'ebiyigo nga n'oluusi balemererwa okubikuuma nga biyonjo nga bwe byandibadde ekisaasaanya endwadde eziva ku mazzi amacaafu.

- Amateeka g'ebinaabiro, gandibadde nga ekinaabiro kiweebwa obudde okukala obulungi ng'omuntu omulala tannaba kuyingirayo kunaaba.

Singa ekinaabiro tekiweebwa budde kukala, ebisenge byakyo oba ekifo ekyo kitandika okuleeta olukonge mu fangaasi eya kiragala nga luno lulaga bunnyogovu, era kyabulabe eri obulamu bw'abantu kuba ebeera ya butwa obuvaako omuntu okufuna endwadde nga kookolo singa ekwatagana n'omubiri gw'omuntu.

- Era ekinaabiro bwe kibeera ekicaafu kitandika okuseerera olw'ekko erikwatako nga kino kibeera kya bulabe eri obulamu bw'omuntu kubanga asobola okugwa n'amenyeka oba okufa.

- Ekinaabiro ekituufu kirina okubaako n'ekifo we kisengejjera amazzi ng'abasinga batera n'okuteekawo amayinja amazzi gano we gatuukira, kino kiyambako ng'amazzi agava mu kinaabiro gasooka kwesengejja nga tegannatuuka ku ttaka kuteekako bucaafu.

- Mu binaabiro bino, tubeerayo n'ebikozesebwa ng'ebyangwe, sabbuuni, bbulaasi, n'ebirala kyokka nga bino nabyo bikola kinene mu kutambuza endwadde singa omuntu abeera tabirabiriddde bulungi. Bino tebirina kuteekebwa butereevu ku ttaka kubanga bibeera byanguyirwa okuyingiramu obuwuka obw'obulabe nga bugenze ku mubiri.

Kikubirizibwa omuntu okukyusa ekyangwe waakiri mu bbanga lya myezi nga mukaaga kubanga buli lwe kirwawo dkitandika okutereka obucaafu naddala nga tekirabirirwa bulungi ekitambuza endwadde.


Dr. Frank Kalyango

Ate ebikole mu fakitole ebimu bivaamu ekirungo (micro Plastics) ekiva mu pulasitiika abikolebwamu ng'ono alwaza kookolo.

- Dr. Kalyango agamba nti, omuntu yandibadde tava mu kinaabiro nga takyozezza kubanga buli lw'onaabirayo n'otokirongoosa okyayinza okulekayo obuwuka obuyinza okulwaza abalala.

- Singa mu ffamire mubeeramu omuntu alaze akabonero ku ndwadde eziva mu kinaabiro, mubeera mulina okwongera okwekuuma era bwekiba kisoboka omuntu olumala okunaaba n'ayoza ekinaabiro, asobola n'okukisiimuula n'aleka nga kikaze bulungi obutawa buwuka mwagaanya gwa kwalula.

- Tulinayo n'ebiyigo gye tukyamira ng'eno nayo walina okukuumibwa nga wayonjo kubanga wakola kinene nnyo mu kusaasaanya endwadde.

- Ebinaabiro ebimu eby'omulembe biteekebwako sisitimu eyiwa amazzi buli muntu lw'amala okweyamba. Eyo ye yandibadde enkola entuufu ey'okutangira obuwuka okusaasaana kubanga buli omuntu lw'ayoza we yeeyambidde obuwuka obwo bufa, kyokka buli lw'atakikola ne munne n'aggyawo asobola okugenda n'obulwadde obwo.